
# Ababaka bakunyizza KCCA ku by'okumenya Owino




Benon Higenyi (ku kkono) mu kakiiko, addiriddwa Jacob Byamukama akwasaganya ebyenguudo ezizimbibwa mu Kampala. Kozesa App ya Vision Digital Experience olabe vidiyo.

Bya TEOPISTA NAKAMYA

ABABAKA ba Palamenti bakunyizza abakungu b'ekitongole kya KCCA ku by'okumenya akatale ka St. Balikuddembe akamanyiddwa nga Owino.

Babaadde mu kakiiko akalondoola entambula y'emirimu mu bitongole bya Gavumenti (COSASE) okwennyonnyolako ku byabanoonyerezebwako omubalirizi w'ebitabo bya Gavumenti mu mwaka gw'ebyensimbi 2024/2025.

Baakulembeddwaamu amyuka akulira ekitongole kya KCCA, Benon Kigenyi, era olwatuuse mu kakiiko ku Lwokusatu, ababaka ne bamusoya ebibuuzo ku muntu agambibwa okumenya ekitundu ku katale, abantu abagambibwa okufiiramu, we batuuse mu kuliyirira abaakosebwa enjega eyagwa e Kiteezi, amataba agataggwa mu kibuga, ssaako akalippagano k'ebidduka.

Ensonga y'abantu abagambibwa okufiira mu kumenya akatale yaleeteddwa omubaka Ronald Nsubuga Balimwezo (Nakawa East) mu lutuula lwa Palamenti ku Lwokubiri, Sipiika Anita Among n'alagira akakiiko ka COSASE okukunya KCCA ku nsonga eno.

Ababaka awatali kweyawulamu baatadde Kigenyi ku nninga ababuulire ku nsonga eno oba nga kituufu nga waliwo abantu abaafiirwa obulamu.

Omubaka Richard Ssebamala (Bukoto Central) yasoose kutegeeza nti abantu 4 be bagambibwa okufa ng'amawulire ago yagaggya ku bantu be baali bakola nabo abaateeka KCCA ku bunkenke okubayamba okuyiikula okulaba oba nga baali babikiddwa oluvannyuma lw'okuba nga tebabalaba.

Kigenyi yategeezezza akakiiko, nti nga KCCA bamanyi omusajja omu gwe baazuula nga March 9, 2026 nga yavunda. Omubiri gw'omugenzi gwatwalibwa mu ggwanika e Mulago wabula tebafunanga bimukwatako.

Ssebamala yabanenyezza okuba abagayaavu okuba nga tebafangayo kumanya bikwata ku muntu oyo.

Kigenyi yategeezezza nti, kkampuni ya KIHAM ye yamenya akatale nga teweereddwa lukusa. Bwe yabuuziddwa ekyabalobera mu budde obwo okugikuba mu mbuga z'amateeka, yasiriikiridde okumala eddakiika ekyawalirizza ssentebe Medard Lubega Sseggona okuyimiriza akakiiko okumala eddakiika ttaano.

Oluvannyuma, yategeezezza ababaka nti, mu kiro ekyo nga March 7, 2026 baakwata abantu 4 abaali bamenya n'ebyuma byabwe era ne batwalibwa mu kkooti n'agattako nti essaawa yonna baakukuba kkampuni eno mu kkooti olw'okumenya ekizimbe kye batavunaanyizibwako.

Yagasseeko nti, oluvannyuma lw'okulaba ng'ekizimbe ekyali kisigaddewo kyandifuuka eky'obulabe eri abasuubuzi, Kigenyi yagambye nti, nga March 13, baasalawo ne bawa KIHAM olukusa okukimenya kyonna.

Ababaka baalaze okutya nti eyasaba okukulaakulanya omwala gwa Nakivubo, azzeeko kumenya katale ate nga bawulira nti n'amasomero erya Nakivubo Settlement ne Nakivubo Blue P/S ayagala kugasendawo.

Akakiiko kaalagidde Kigenyi okukomawo ne lipooti ku muntu agambibwa okufiira mu katale n'obukakafu obulaga nti abantu abana baatwalibwa mu kkooti.